# Ebya S6 bifuluma leero

Bya VIVIEN NAKITENDE


Musamba

LEERO Lwakutaano March 13, 2026, ebigezo bya S6 (UACE) lwe bifuluma.

Omwogezi wa UNEB, Jenifer Kalule Musamba ategeezezza nti, minisita w'ebyenjigiriza n'emizannyo, Janet Kataha Museveni, leero lw'agenda okwanjulira eggwanga ebyava mu bigezo bino.

Bano be bayizi abasembyeyo okutuula ebibuuzo bya S6 mu nsomesa (curriculum) enkadde, era akulira UNEB, Daniel Nokrach Odongo agenda kunnyonnyola ekirina okukolebwa abandyagadde okuddamu okubituula okutereeza obubonero bwabwe.

Ku Lwokusatu nga March 11, 2026, ttiimu ya UNEB ng'ekulembeddwa ssentebe w'olukiiko olufuzi Cerestino Obua, baasisinkanye minisita Janet Museveni ne bamwanjulira ebyava mu bibuuzo bino.

Kalule alabudde ab'amasomero abalina ebbanja lyonna ne UNEB, okulisasula ng'ebibuuzo tebinnafulumizibwa kuba tebajja kufuna bubonero bw'abayizi baabwe nga bakyabanjibwa. Ebibuuzo byatuulibwa wakati wa November 10 ne December 5, 2025 mu ssenta 2,844.